# 'World Cup ewedde kati mwerwaneko'

Bya HUSSEIN BUKENYA

NGA baakalinnya ekigere ku kisaawe Entebbe, omutendesi wa ttiimu y'eggwanga ey'abali wansi w'emyaka 17, (Cubs) Brian Ssenyondo yasabye abazannyi obutamera malala olw'okukola obulungi mu World Cup.


"Omutindo gwe tulaze e Qatar gulina kutuyamba kweyongerako sso si kutandika kufuna malala kuba kati buli omu abatunuulidde. Mulina okulaba nga mufuuka eky'okulabirako eri abazannyi abato sso si kweyisa mu ngeri evumaganya ttiimu," Ssenyondo bwe yakuutidde abazannyi.

Ttiimu eno eyamalidde ku luzannya lwa ttiimu 16, yakomyewo ku Lwokutaano akawungeezi. Gye buvuddeko, FUFA yalonda Munnaghana, Laryea Kingston okukulira ttiimu z'abato okuli ne Cubs. Kino kyaleka Ssenyondo ne banne bwe babadde ku ttiimu eno mu World Cup ebbali.

Ssenyondo yagambye nti mumativu n'omulimu gw'akoze ku ttiimu eno era waakusigala ng'ayamba ku FUFA singa enaaba ekyamwetaaga ku mirimu egy'enjawulo kuba omupiira mugazi nnyo.

Yasiimye FUFA, batendesi banne, abazannyi n'abawagizi okubeererawo ttiimu eno kuba buli omu abadde n'omulimu munene okulaba nga bakola bulungi.

Kapiteeni wa ttiimu eno, Hamza Sengooba yasuubizza bwe batagenda kudda mabega kuba balina okulwana okudda mu World Cup ku mutendera omulala.



Abazannyi ba Cubs nga batuuka Entebbe.